# Buddo etandise na maanyi

Bya JULIUS KAFULUMA, LIRA

Buddo SS 2-0 Teso college
**Bukedea 1-1 Kitende**
Mengo SS 0-2 Ibanda SS
**JIPRA 1-1 Kalisizo Seed**
Bukedea 4-1 PP Newton
**Lumino 1-2 Masaka SS**
Ssingo SS 3-0 Bp. Comboni
**Kyaddondo 2-1 Kigumba**
Lira Town College 1-3 Numasa SS
**Ngora High 1-2 Kitara SS**
Madina Islamic 0-0 Kitgum Standard
**Kicwamba High 1-0 Bwera SS**
Greenlight Islamic 5-1 Dr. Obote
**Masindi SS 6-2 Kaserem**

BAKYAMPIYONI b'eggwanga mu mupiira gw'amasomero ga Siniya, aba Buddo SS eggulo baatandise na maanyi kaweefube w'okweddiza ekikopo.

Baakubye Teso College (2-0) mu mupiira ogwagguddewo empaka ku Lira Town College mu disitulikiti y'e Lira. Wabula abategesi (Lira Town College) baakiguddeko, bwe baawuttud-dwa Numasa SS okuva e Masaka ggoolo 3-1.

Omupiira gw'olunaku gwabadde gwa St. Mary's College Kitende, abakyasinze okuwan-gula empaka zino (ebikopo 12), ne Bukedea Comprehensive, abaawangula ekya East Af-rika omwaka oguwedde. Guno gwaggweeredde mu maliri (1-1) nga Kitende yayunze guggwa.

Emipiira giddamu leero n'omukolo gw'okugiggulawo mu butongole nga minisita w'Ebyemizannyo, Peter Ogwang y'asuubirwa okubeera omugenyi omukulu. Empaka zeetabid-dwaamu amasomero 64 agaay-awuddwaamu ebibinja 16 nga zaakuggwa ku Lwokusatu olujja.

JULIUS KAFULUMA



Dayirekita wa Seroma Christian High, Amelia Ky-ambadde ng'akwasa ttiimu y'essomero lye ekikopo eya basketball w'abawala.

## Seroma yeenunulidde mu basketball

Bya JULIUS KAFULUMA

**Abawanguzi;**

- Amus (basketball, balenzi)
- Kitende (basketball, bawala)
- Kitende (okubaka)
- Kibuli (table tennis)
- Wampewo Ntake (handball)
- Kakungulu (hockey)
- Jinja SS (rugby)
- St. Michael Ssonde (basketball 3x3,Balenzi)
- Seroma Christian School (basketball 3x3, bawala)

SEROMA Christian High School ery'e Mukono, baawonye okuviiramu awo mu mizannyo egy'ekintabuli egy'amasomero ga Siniya (USSSA Ball Games) gye baategese, bwe baawan-gudde ekikopo kya baskètball.

Mu mizannyo gino eg-yawedde ku Lwokuna, Se-roma yawangudde basketball w'abawala ow'ekika kya '3x3' sso nga ow'abalenzi yawangud-dwa St. Michael Sonde bwe bava mu disitulikiti emu7.

St. Mary's Kitende (SMASK) lyetisse nga lyakubye Hamdan Islamic egy'e Mukono (34-30). Kitende yasoose kuwangula basketball w'abawala ow'ekika kya '5x5' nga baakubye ababadde n'ekikopo, St. Noa Girls (49-32). Mu basketball w'abalenzi ow'ekika kino, Amus College yasiitanye okukuba St. Michael High Ssonde (33-29) ne yeddiza ekikopo.

Kibuli yeefuze ttena w'oku mmeeza mu bawala n'abalenzi, Wampewo Ntake yeetisse Ebya handball, Kakungulu Memo-rial n'etwala ekya hockey mu bawala nabalenzi, Standard High Zzana yakaabizza banny-inimu aba Seroma mu volley-ball w'abalenzi ate Bukedea ne yeddiza eky'abawala.

Mu rugby Jinja SS yawun-iikirizza bangi bwe yakubye St. Mary's College Kisubi (27-17) wakati mu nduulu okuva mu bayizi ba Namiryango College.

Abawanguzi bajja kukiikirira Uganda mu mizannyo gya East Africa e Tanzania mu August.